Ebifa mu BLB

Buganda Land Board

AMAWULIRE AGAKWATA KU BY'ETTAKA OKUVA MU BUGANDA LAND BOARD Vol: 5 Mugulansigo 2023

# BLB EBANZE ENKOLAGANA N'EKITONGOLE KI ACTION AID



**Ssenkulu Omuk. Simon Kabogoza (wakusatu ku kkono), omumyuka we Omuk. Bashir Kizito n'abakozi ba BLB abalala nga bakwasa abagenyi okuva mu Action Aid ekifaananyi kya Kabaka**

Bannamateeka beetabye mu lusirika: 04



Kibuga ekubye Ndejje: 09



Abakulu balambudde ebikolebwa e Kigo n'e Ssentema: 03





BLB yeetabye mu kuzimba omuzikiti: 03



Abagayidi bakwasiddwa ettaka: 02

# Abagayidi bakwasiddwa ettaka



*Omupunta Kateregga ng'akozesa ekyuma kye okubannyonnyola ebyettaka lino. Asooka ku ddyo ye Pasita Ssonko eyakiikiridde Ssenkulu Kabogoza ku mukolo ogwo*



*Katambala Sulaiman Magala ng'abalengeza ettaka gye likoma*

Avunaanyizibwa ku nsonga za liizi mu BLB, Pasita Ssonko Lameck yakiikiridde Ssenkulu Simon Kabogoza ku mukolo gw'okukwasa abasikawutu aba Uganda Girl Guides Association ettaka eryabaweebwa Ssaabasajja Kabaka basigeko enkulaakulana. Ettaka eryabaweebwa lisangibwa mu ssaza ly'e Butambala e Ndeese-Butawuka, nga gye basuubira okussa pulojekiti zaabwe ez'okwekulaakulanya.

Omukolo guno gwetabiddwako ne Katambala Sulaiman Magala ssaako ttiimu ya BLB okwabadde n'abapunta abaabaddewo okulaga abaakwasiddwa ettaka empenda zaalyo. Katambala yabafalaasidde ku ky'okukolagana obulungi n'abakulembeze b'ekitundu ekyo naddala Abaami ba Kabaka abavunaanyizibwa ku ttaka.

## BLB ebanze enkolagana ne Action Aid



*Ssenkulu Kabogoza ng'akwasa aba Action Aid ekifaananyi kya Beene*

Ssenkulu wa BLB, Omuk. Kabogoza Simon ng'ali wamu n'omumyuka we, Omuk. Kizito Bashir Juma baasisinkanye abaweereza mu biti ebyenjawulo okuva mu kitongole kya Action Aid mu nteekateeka eyakoleddwa ab'ekikono ky'abasomesa okulaba ng'abeekitongole kino babangawo omukago ne BLB okuneesigamwa okukolera awamu mu kukuba enkiiko n'emisomo naddala mu bantu b'omu byalo okwongera okubabangula ku nkola y'amateeka ku ttaka, eddembe ly'obuntu naddala abakyala n'abaana n'ebirala.

Ensisinkano yabadde mu kisenge omuteesezebwa ku kitebe ekikulu ekya BLB ku kizimbe Masengere, ng'aba Action Aid baakulembeddwamu omutabaganya wa Pulojekiti z'ekitongole kyabwe mu Uganda, Mw. Okuku.

Bano Ssenkulu yabatonedde n'ekifaananyi kya Namunswa n'agamba nti kano kabonero akaggumiza okumerukawo kw'enkolagana ey'awamu n'ekitongole kino.

Ensisinkano eno yaakuddirirwa okussa emikono ku ndagaano y'okukolera awamu mu mukago guno.

## Abapunta ba BLB beetabye mu ttabamiruka



*Abamu ku bapunta abawereza mu BLB nga beetabye mu lukung'aana ttabamiruka (AGM) olubagatta wansi w'ekibiina kya Institution of Surveyors of Uganda (ISU)..Lutuula buli mwaka okukuba ttooki mu bituukiddwako n'okusoomooza okukosa abapunta mu ggwanga*



*Florence Nambooze y'omu ku baakubaganyizza ebirowoozo mu lukung'aana luno*

# Abakulu balambudde ebikolebwa e Kigo n'e Ssentema



Owek. Ying. Martin S. Kasekende ng'aliko ekiwandiiko kye yeetegereza e Kigo



Omupunta Sserunyiigo Brian ng'asongera abakulu awayita empenda e Ssentema

Ssenkulu Simon Kabogoza yakulembeddemu ttiimu okwabadde Ssentebe wa Bboodi, Owek. Ying. Martin S. Kasekende, Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu era Ssaabawolereza w'Obwakabaka, Owek. Chris Bwanika ssaako akulira abateekateekera ettaka n'okupunta mu BLB, Hajjat Nanvuma Rehema ne boolekera awatudde amayumba ga Mirembe Villas e Kigo mu nteekateeka eyakoleddwa okulondoola enkulaakulana etuukiddwako mu kifo kino n'ebitundu ebiriraanyeewo. Baliko ebiwandiiko bye beekebejja ku nsonga eno.

Oluvannyuma beegattiddwako Ssenkulu wa BICUL, Omuk. Ssebuufu Roland ne balambula ettaka mu kitundu kino.

Mu ngeri yeemu n'Omumyuka wa Ssenkulu, Omuk. Kizito Bashir Juma ng'ali wamu n'abapunta ssaako abakwasisa amateeka baayolekedde ku mbuga y'essaza ly'e Busiro, e Ssentema okulondoola ebikwata ku ttaka ly'Obwakabaka eririraanye awatudde pulojekiti y'amayumba ga bamufunampola agazimbibwa aba kampuni ya Guoji, nga beetegereza ensalo we ziyita.

Bano beegattiddwako Omwami wa Kabaka Owoomuluka era omupunta Sserunyiigo Brian n'abalaga we liyita.

# BLB yeetabye mu kuzimba omuzikiti e Nansana



Abasiraamu b'e Nansana nga baaniriza seminti eyatoneddwa BLB



Omuzikiti nga bwe gufaanana

BLB ewaddeyo ensawo za sseminti eziweredde ddala 77 eri Obusiraamu mu Nansana mu kaweefube eyakoleddwa okuwagira okumaliriza omuzikiti mu kitundu kino.

Kyaddiridde obweyamu obwakolebwa Ssenkulu Simon Kabogoza mu kisiibo ky'omwaka 2022 mu kusiibulula abasiraamu mu bitundu by'e Nansana okwategekebwa ab'ettabi ly'e Nansana ssaako Abasiraamu abali mu kitongole kino. Enteekateeka eno yavujjiriddwa ekitongole kya BLB ssaako abaweereza ssekinnoomu abasiraamu.

Eyakiikiridde Ssenkulu mu kuwaayo sseminti ono era nga ye maneja atwala ettabi ly'e Nansana, Yosia Kimogofu yakwasizza abakulembeze b'omuzikiti sseminti nga yeegattiddwako abamu ku baweereza okwabadde; Kaddu Nuhu ne Nsubuga Twaha ssaako Acram Kawooya.

Kimogofu yagambye nti kano kabonero akaluubirira okunyweza obwasseruganda n'abenzikiriza y'obusiraamu naddala mu Nansana era nga gano gakyali mabaga.

# Bannamateeka ba BLB beetabye mu lusirika

Ekitongole kya Buganda Land Board nga kiyita mu kiwayi kya Operations and Corporate Affairs era nga kino kye kitwala ne bannamateeka mu Buganda Land Board kyateeseteese olusirika lwa bannamateeka ab'ekitongole ssaako ab'Obwakabaka n'abo bannamateeka abaweereza Obwakabaka nga basinziira bweru waabwo. Kino kyakoleddwa okulondoola emisango egyenjawulo we gituuse, okutema empenda ku butya ebyamateeka bwe biyinza okutambula mu bannamateeka b'ekitongole n'abo abatuyambako. Olusirika lwabadde ku Jevine Hotel e Lubaga, nga lwakulungudde enzingu bbiri nambirira.

Olusirika era lwetabiddwamu Ssenkulu Kabogoza Simon ssaako Omumyuka we, Omuk. Kizito Bashir Juma, n'abalala ne babaako bye balambikibwa ku nsonga z'amateeka nga bwe zitambula. Ssaabawolereza w'Obwakabaka, Owek. Chris Bwanika y'omu ku beetabye mu kulambika ensonga mu lusirika luno.

Bannamateeka ba BLB bonna baakiise era buli omu n'afuna omukisa okubaako ky'ayogera ku misango n'ebyamateeka nga bwe bitambula n'okusoomoozebwa kwe basanga nga badдukanya emirimu gyabwe.

Kanso Dennis Bugaya yategeezezza nga bwe watali ajja kuttirwa ku liiso mu nsonga za kkooti era ng'emisango gyonna gikwatiddwa kannabwala.



Owek. Chris Bwanika mu kifaananyi ekyawamu ne bannamateeka ba BLB oluvannyuma lw'olusirika


Munnamateeka Bukirwa Joyce ng'annyonnyola emisango bwe gitambula


Owek. Chris Bwanika ng'ayogerako eri bannamateeka mu lusirika


Munnamateeka Mukwaya ng'ayogerako eri abakiise ku by'amateeka

# Mut. I Mpigi eyanjudde amakula





Abantu ba Ssaabasajja Kabaka okuva mu ssaza ly'e Mawokota mu ggombolola ya Mut. I Mpigi baakiise embuga ne banjula amakula mu lubiri e Mengo. Bano baatonye embuzi, ente, enkoko, emmere n'ebirala ebyabatikkuddwa KWBK, Omuk. Luutu Moses.

# Wasswa alambise amagombolola ku makula

Wasswa Bukenya owa ofiisi ya Katikkiro w'Ebyalo bya Kabaka okutabaazi enjiri y'amakula g'embuga yakugunjukira ng'omusimbu bw'agunjukira ebigwo. Omwezi guno atalaaze amagombolola agawerako ng'alambika Abaami ba Kabaka ssaako okubateekateeka ku nsonga z'okuleeta amakula, kisobozese embiri obutaggwaamu mmere.

Wasswa yasisinkanye aba Mut.I Mpigi be yakuutidde obuteekomomma mu kaweefube w'okuwenja amakula okuva mu bantu ba Ssaabasajja era n'abalambika ku makula ge balina okwanjula mu lubiri, ng'olukiiko olwo lwakubirizibwa Oweggombolola Muwanga.



Abamu ku Baami ba Kabaka mu kifaananyi ekyawamu oluvannyuma lwa Wasswa Bukenya okubasomesa ku by'okuleeta amakula embuga. Bano yasisinkanye aba Mut. I Nakisunga

Yabakuutidde okubeera ekyokulabirako eri be basaba amakula ssaako okubeera abeerufu abantu babateekemu obwesige ku birabo bya Ssaabasajja.

N'aba Musaale Buwama bwe yabasisinkanye yabalambise nti tebassa bukambwe mu kusolooza makula kutuuka kwetamya bantu nteekateeka eno. Oweggombolola Ssegiriinya ye yakulembeddemu Abaami mu kusomesebwa kuno.

Wasswa era yasisinkanye omukulu w'essomero lya St. John SS Nandere mu Bulemeezi, Rev. Mayega Robert n'amulambika ku nsonga ya Corporate Makula eri Obwakabaka. Ono yasuubizza okubunya enjiri eno mu masomero amalala mu kitundu.

Era yasisinkanye Ssentebe LC III ow'e Baamunaanika, Ssebidde Stephen wamu n'Oweggombolola Mut. VII, Ntambi ne bakkaanya ku ky'okwanjula amakula mu mwezi gwa Ssebaaseka.

N'aba Mut. I Nakisunga mu Kyaggwe yabatuuseeko era nga basuubirwa okwanjula amakula gaabwe nga 19 Kafuumuulampawu.

E Ziroobwe aba Mut. VI nabo baasisinkaniddwa wamu ne Muwambya okubateekateeka okuleeta amakula gaabwe nga 26 Kafuumuulampawu.

## Ab'e Ndejje bakyazizza Mmeeya wa Ssaabagabo

Abaweereza okuva mu ttabi lya Ndejje-Lufuka baakyazizza Mmeeya wa Makindye Ssaabagabo, Ssemwanga Kabuzi mu nteekateeka eyakoleddwa okuteesa ku kunyweza enkolagana ku njuyi zombi naddala mu kukendeeza embeera y'omugotteko ku ttaka ly'Obwakabaka.

Bano baayogedde ku bakwasisa amateeka ku njuyi zombi okutambulira awamu okulondoola bakiwagi abazimba nga tebagobererdde mitendera, ekivuddeko okumala gazimba ne baleeta omugotteko mu kitundu kino.

Era baateesezza ne ku nsasula ya busuulu, enkola ya ssendabaguzi eri ababanjibwa n'ebirala, basisinkanenga mu kiseera ekigere okulondoola ebiba bituukiddwako.

Akafubo kano kaabadde ku ofiisi z'ettabi mu Lufuka.



Ttiimu Ndejje mu kifaananyi ne Mmeeya Ssemwanga Kabuzi ku ttabi mu Lufuka

# Kibuga ekyalemedde ku ntikko



Omuk. Kizito Bashir Juma ng'akwasa abatwala ettabi lya Kibuga ekikopo ky'omwezi





Abamu ku bakozi abaasukkuluma ku bannaabwe nga bakwasibwa ebbaasa

Ettabi lya Kibuga lyazzeemu okukubira waggulu mu kabbinkano k'ani asinga buli mwezi, bwerityo ne lisigaza ekikopo kye lyatwala mu mwezi gwa Gatonnya. Bano baakiza amatabi amalala ensumika bwe baakubira ku bitundu 94% ne beddiza obwannantameggwa.

Amyuka Ssenkulu era nga y'atwala ekiwayi kino ekya Operations ekibbinkana, Omuk. Kizito Bashir Juma ye yabakwasizza ekikopo ky'obuwanguzi ssaako ebbaasa kirimuttu enzito okubasiima olwokuwenja obusimooni.

Bino byatuukiddwako oluvannyuma lwa lipoota y'omwezi eyayanjulwa OPM Namukasa Ruth era enteekateeka eno yeetabwamu bamaneja wano ku Masengere.

Ettabi lya Kibuga lyaddirirwa erye Mityana, Kyaggwe, Buddu, Luweero, Nansana, Ndejje, Njeru ne Mpigi nga bwe gasengekeddwa.

Namukasa era yayanjudde abaweereza kinnoomu abaasukkulumye okwabadde; Idris Katongole owa Kibuga, Abel Ssenyonjo ow'e Mityana,Kasirye Aziz ow'e Buddu, Sarah Nakayiza owa Kibuga, Nnaalongo Nanyonga Sylvia ow'e Nansana, namawejje Prossy ow'e Mityana era bonna baagabanye ebbaasa olwokusiimibwa okukola obulungi mu mwezi gwa Mukutulansanja.

Omuk. Kizito yayozaayozeza aba Kibuga okusukkuluma ku bannaabwe n'agamba nti kuno kusoomooza Kunene eri amatabi amalala gasitukiremu geeraneko. Yategeezezza nti kati Kasangati Service centre evuganya n'amatabi ageetengeredde, ekigafuula amanafu.

Omuk. kizito yasinzidde ku mukolo guno n'abaako abaweereza b'ayimiriza ng'asinziira ku mukolo guno n'ategeeza nti ategeka okugasimbagana n'abo abatakola bulungi ku nkomerero ya Mugulansigo asalewo ekiddako. Wabula yakubirizza bamaneja bongere okulambika abatakola bulungi batambulire wamu nga ttiimu.

Yabalambise nti okwongera ku muwendo gwa bakasitoma buli lukya kye kimu ku binaabayamba okulinnyisa ennyingiza.

## Aba PPSR balondodde ebikolebwa e Buddu



Emma Balaba ne Kateregga mu lukiiko n'abeebyekikugu mu kibuga Masaka



Ttiimu nga yeekebejja pulaani y'eddwaliro ly'e Mukungwe

Akulira ekiwayi ekiteekateekera ettaka n'okupunta mu BLB, Hajjat Nanvuma Rehema yasindise ttiimu ye mu kibuga Masaka balondoole ebyokuyisibwa kwa pulaani ku ttaka awagenda okuzimbibwa eddwaliro ly'Obwakabaka e Mukungwe.

Ttiimu yabaddeko Balaba Emmanuel Mugalu wamu n'omupunta Kateregga, abaasoose okwevumba akafubo n'abaakakiiko ak'ekikugu abaakulembeddwa Town Clerk Okurut Vincent okuteesa n'okulondoola ensonga eno w'etuuse.

Bano beekebezze pulaani n'abaakakiiko ak'ebyekikugu era Kateregga n'alengeza abakugu mu bya pulaani ensalosalo z'ettaka awagenda okuzimbibwa eddwaliro lino e Mukungwe mu Buddu.

# Emirimu gya Kaliisoliiso mu ofiisi ya Ssenkulu:

## Kaliisoliiso e Namwezi



Mukasa Casmir ng'akubiriza ensisinkano y'Abaami n'abessomero e Namwezi



Casmir Mukasa era yaliko e Kyamulibwa mu Buddu okulondoola ettaka ly'ekitawuluzi erigambibwa okutyobolwa omutuuze n'azimbako amayumba nga tafunye lukusa

Kaliisoliiso okuva mu ofiisi ya Ssenkulu, Casmir Mukasa Nkuyegetetyassabo yalambise olukiiko ku by'okugonjoola endooliito n'emireembe ebiri ku ttaka ly'Obwakabaka erisangibwa e Namwezi ku ssomero lya UMEA ssaako abatuuze mu kitundu kino.

Mukasa yalagidde atwala ebbendobendo ly'e Kyaggwe, Unia Nakirijja ssaako maneja w'e Njeru, Ntambi John bateeketeeke mangu olukiiko omuneetabwa Abaami ba Kabaka n'abakulira essomero bakkaanye ku nteekateeka y'omusomo oguneetabwamu abasenze ogunaakulemberamu entegeka z'okupunta ettaka okuli embiranye.

Bino Mukasa yabyogeredde mu nsisinkano eyeetabiddwamu abakulembeze b'essomero, Abaami ba Kabaka ssaako ttiimu ya BLB mu ofiisi ya Ssekiboobo e Mukono.

"Tugenda kusooka kusomesa basenze abasika omuguwa n'essomero ku bwannannyini bw'ebibanja bategeere ekituufu olwo twerule empenda bamanye gye bagwa," Mukasa bwe yategeezezza.

Mmemba wa Bboodi y'essomero, Hajji Nyanzi Ssentamu yategeezezza ng'obuzibu bwebuli ku poloti namba 328 okuli ebibanja ebyatundibwanga ab'enju y'omugenzi Ssekindi David, b'alumiriza okwekobaana ne ssentebe w'ekyalo Mayanja ateeka omukono ku ndagaano.

Ye Owoomuluka, Ntale Wilson naye yalumirizza ssentebe w'ekyalo okubeera emabega wa vvulugu yenna aliwo ku ttaka ly'Obwakabaka e Namwezi.

Mmemba w'olukiiko lw'essomero yalambise olukiiko ng'ekyapa kyabwe bwe baakifuna okuva mu Uganda Land Commission n'alambika olukiiko ku bikwata ku ttaka eryo era n'ekyapa nga baakyanjudde mu BLB mu nkola ya WEETUUKIRE.

## Kaliisoliiso e Katikamu



Mukasa ng'alambula ebiri ku ttaka ly'embuga e Katikamu ng'ali wamu n'Omutongole Sseremba Milly ssaako Owoomuluka Ssenyonjo Harriet

Kaliisoliiso Mukasa Casmir yakalaatidde Abaami ba Kabaka mu ggombolola y'e Katikamu okukola ekisoboka okulaba nga balondoola abantu abeenyigidde mu kutyoboola ettaka ly'embuga y'eggombolola lisobole okutaasibwa.

Mukasa yawuubyeko olubu lw'ebigere mu kifo kino gye yasanze ng'amayumba gatutunuka ng'obutiko mu ngeri y'ekimpatiira, nga n'agamu ganaatera okuyingirwa.

Mukasa yasisinkanye Owoomuluka Ssenyonjo Harriet n'abaako by'amubuuza ku kibangirizi ekiriraanye ekkubo, n'amutegeeza nti kikye era y'alimirawo.

Ebigambo bimuweddeko okusinziira ky'asanze mu kifo kino ng'ali wamu n'omusolooza Kaweesi ow'e Luweero ssaako Omutongole Sseremba Milly ategeezezza ng'abazimba bw'atabamanyi.

Mu ngeri yeemu yatalaaze ebitundu by'e Mityana ssaako amagombolola okuli Kitenga ne Kasambya ng'ali wamu ne Maneja Kitooke Sadiq. Atwala ebbendobendo ly'e Ssingo, Kabonge Charles yeevumbye akafubo ne Casmir ne bamulambika ku bwezigoolo obuliwo mu bitundu ebyo ku ttaka ly'Obwakabaka.

E Buweekula baasoose kusisinkana ow'Eggombolola y'e Butenga, Mw. Kaggwe Edward n'abaloopera town clerk ssaako ssentebe LCV e Mubende abeefunyiridde okwekomya yiika 49 ez'embuga eno nga beerimbika mu kigamba nti balina ekyapa okuva mu Uganda Land Commission. Mw. Kaggwe yabalaze ebimu ku biwandiiko bye beesigamako okulyakula ettaka lino.

Kaggwe yajjukizza Mukasa nga bwe baasuubizibwa okwerula empenda kyokka bakyalinze.

Kyategeerekese nga waliwo ekitundu bano kye baaguza kampuni ya Okeba newankubadde nga CAO yabalambika ku nsobi eyali egenda okukolebwa.

Mukasa yatuuseeko ku service centre e Kaweeri okulaba entambuza y'emirimu, ng'omusolooza Walukagga aliko bye yabannyonnyodde.

Oluvannyuma baayolekedde embuga y'eggombolola y'e Kasambya mu Buweekula gye baasanze ng'ezimbiddwako ebizimbe. Eno baasisinkanye amyuka town clerk, Aidah Najjuuko eyakabatemye ng'ettaka eryo lyonna bwe baalyeddiza ne balifunirako n'ekyapa mu 2018.

# Bakabulindi asomesezza ab'e Kabula, Ssese





Maneja Bakabulindi Kagimu atwala ebbendobendo ly'e Buddu agudde mu lukiiko lw'Abaami b'essaza ly'e Kabula, n'afuna omwagaanya n'abayirimulira enjiri y'ettaka n'enkyukakyuka mu kusasula busuulu n'ensonga endala.

Olukiiko lwabadde lukubirizibwa Lumaama Luyimbaazi n'omumyuka we Mutyaba, abaamuwadde ssakki okwogerako eri abakiise.

Mu ngeri y'emu yakyaddeko e Kyambala mu Bukulula ku nteekateeka yeemu ey'okubunyisa enjiri y'ettaka ssaako okugenda ku Ssese FM e Kalangala era n'alambika ku nkola za BLB.

# BLB esisinkanye RDC w'e Luweero



*KWBK Luutu Moses mu lukiiko e Mamuli okuteesa ku by'ekirombe ky'amayinja*



*Omu ku booluganda ng'aliko ebiwandiiko by'alaga olukiiko*

Ttiimu okuva mu BLB nga yakulembeddwamu Nambiite Juliet ng'awerekeddwako omusomesa Gambobbi Kizito baasisinkanye RDC w'e Luweero, Bwabye Ronald mu nteekateeka eyakoleddwa okulondoola ensonga z'ekirombe ky'amayinja e Mamuli mu ggombolola y'e Butuntumula.

Kyaddirira omutuuze Ssessanga Mathew okufunga ekyoga okutwala amayinja ku kibanja ekituli kikye so ng'ettaka eryo lya Bwakabaka. Ssessanga yeebalamye olukiiko luno, wabula RDC Bwabye n'ayimiriza ebikolebwa mu kirombe kino n'asaba wabeewo olukiiko olukubibwa, nga lwakwetabwamu abakaayana, ab'ebyokwerinda, NEMA, Abaami ba Kabaka ssaako ttiimu ya BLB.

Oluvannyuma olukiiko lwategekeddwa ne kizuulwa nti kitaawe wa bano yali yafuna liizi etayanjulwanga mu BLB, nga kwe baabadde beesigama okugamba nti ettaka si lya Bwakabaka. Mu lukiiko luno ne KWBK, Omuk. Luutu Moses yabaddemu era ne kitegeerekeka ng'abasima amayinja bano balina okuwa envujjo ya Kabaka ssaako abooluganda okutereeza obwannannyini bw'ettaka lino.



***Katikkiro Charles Peter Mayiga (ku kkono), Owek. Wagwa Nsibirwa (wakati) ne Ssaabawolereza w'Obwakabaka, Owek. Chris Bwanika mu lusirika ku Butikkiro***



***Ssenkulu Omuk. Simon Kabogoza mu lusirika lw'Obwakabaka okuteesa n'okuyisa enteekateeka namutaayiika ey'emyaka etaano egiddako***





***Abakozi abasoba mu 30 beegasse ku Buganda Land Board mu butongole era bano baayisiddwa. Ku kkono nga Ssenkulu Kabogoza aggalawo okuteekateeka abakozi ate ku ddyo ng'omumyuka wa Ssenkulu, Omuk. Kizito Bashir abasibirira entanda***



***Ofiisa Kigozi Jude ng'asiimwa abamu ku baweereza***



***HHR Rebecca Magezi Bukenya ng'ayanjulira Ssenkulu Kabogoza bye bayiseemu okuva lwe baatandika okutendeka abakozi***




***Mu ngeri yeemu, ekiwayi ekivunaanyizibwa ku bakozi kyategeka omusomo gw'abakozi okubabangula ku nneeyisa y'ebyobulamuu***



***Kigozi Jude naye abaweereza abaatendekebwa baamutonera ekirabo***



***Muky. Kirabo Agnes owa Food Rights Alliance naye yasinziira ku CBS okulambika abakyala ku butya bwe beggya mu bwavu***




***Abamu ku basenze ababeera ku ttaka lya Kabaka e Nakifuma nga baliko gwe bagamba ayagala okubagoba ku ttaka nti alina ekyapa kya freehold ku byalo bisatu. Beekubira enduulu***



***Dr. Lulume Bayiga ku CBS ng'alombojja endooliito ku ttaka mu kitundu ky'akiikirira ekya Buikwe South***




***Omusomesa Gambobbi ku Dream TV ng'ayirimu enjiri y'ettaka***




***Nsonga za kugoba bantu ku ttaka***




***Ne mu Bukedde twafulumiramu***

# BLB ekyekoze mu Corporate League

BLB yeeriisizza nkuuli mu mizannyo gy'ebitongole ebinene ku mitendera egyenjawulo, bwe yakubye buli ttiimu eyagiweereddwa mu mupiira ogwebigere okwabadde Van Zanteen gye yakubye 2-1, SGA yakubiddwa ekkene ate aba Exclusive Cutting ne babwatulwa 2 nga tebaanukudde.
Mu gw'abasukka emyaka 35, BLB ne Stanbic tekuli yayise na bateebi so ng'essungu lya Stanbic baalimadde ku Post Bank gye baawumizza 3 -1 ate Jubilee Insurance yakikakasizza BLB bwe yagiwuzze ggoolo 2 nga teyanukudde.
Ssenkulu Kabogoza yasiimye abazannyi, abatendesi n'abawagizi ba ttiimu BLB n'abasaba okukuumira ekitongole ku ntikko.



Ttiimu y'omupiira nga yeetegeka okugusamba



BLB ng'ebbinkana ne Van Zanteen



BLB mu nsiike ne SGA



Ntege ng'akulukusa endiba



Abatendesi n'abazannyi abalala nga bagwota buliro

## Kibuga ekubye Ndejje mu bakyala

Waabaddewo akabbinkano ku kisaawe mu lubiri e Mengo, ttiimu z'abakyala okuva mu matabi okwabadde Kibuga ne Ndejje bwe zabbinkanye mu kusamba ogwebigere. Bano bwabeefuse era okukkakkana nga Kibuga ewuttudde Ndejje ggoolo 3 nga bo tebaanukudde. Abawangule baasuubizza okuddira ttiimu Kibuga bagifufuggaze kubanga luno baasanze tebeetegese kimala ne babakwata vagalanda ssaako obutabeera bamativu na bazannyi be baateeberezza okubeera abacuba. Baaweze okubanoonyerezaako.



Ttiimu y'e Ndejje ng'enekedde mu mujoozi gwayo



Ttiimu Kibuga eyawangudde nga beegeyaamu

# Abamu ku baweereza abaazaalibwa mu Mugulansigo


Babumba Juliet


Nsobya Dennis


Ssekamatte Jimmy

"Muyogeeyoge bannaffe!


Olivia Cox Namaganda


Mugerwa Albert


Emmanuel Ssembatya


Moses Kizito Gambobbi


Nakisanja Hilda


Ntambi John


Mulindwa Goefrey


Masimbi Aziz